**P360/1**
**LUGANDA**
**Paper 1**
**July 2026**

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION (LTA)

(*UACE*)

**Olupapula olusooka**

**(Okukyusa, Okusoma bwino, n'Okuyiiya)**

Essaawa ssatu (3)

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri;* ***A*** *ne* ***B****.*
- *Ekitundu* ***A*** *kya buwaze.*
- *Mu kitundu* ***B*** *ddamu ennamba emu,* ***3*** *oba* ***4****.*
- *Awamu* ***ddamu ebibuuzo bisatu****.*
- *Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu* ***tebijja kugololwa****.*

## EKITUNDU A

1. Ekitongole ekiwooza omusolo kizze mu kitundu kyammwe ne kibaako ekiwandiiko ekirimu obubaka obukwata ku by'omusolo kye kigabidde abatuuze. Wabula ekiwandiiko kiri mu Lungereza era abasinga obubaka obukirimu tebabutegeera! Obadde otambula batuuze banno ne bakusisinkana era ne bakusaba obayambe obakyusize ekiwandiiko ekyo, basobole okufuna obubaka obukirimu.

   Ng'osinziira ku kitundu kino wammanga, yamba batuuze banno ng'okola kye bakusabye.

   **NEED FOR GOVERNMENT REVENUE**

   There are a number of reasons why government needs revenue. These include: Provision of security. It is the obligation of government to protect its national boundaries, provide security to people and their property. To do this, government should have a strong army, police and other security agencies which require money hence need for public revenue.

   Revenue is also needed by government to set up and maintain courts of law, enact and enforce laws, construct and maintain prisons which help to keep away and rehabilitate law breakers. Presence of law and order in a country attracts investments from both domestic and foreign investors. This fosters development in the country. Law and order assures investors of the security of their investments, protection of life and property and makes it possible for people to go to courts of law for arbitration in case one breaks their contract.

   The government has a duty to respond to disasters by extending humanitarian services to people that are affected by political instabilities and natural calamities for example landslides, floods, conflicts, droughts, epidemics which require government intervention.

   The government also needs revenue in order to repay debts. In 2018, Uganda paid about 41.4% of the Gross Domestic Product and it is estimated that Uganda requires 94 years to repay her current total debt.

**(Extracted from UACE Economics Resource Book)**

2. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.

**BASAJJAKAMBWE**

"Kiri ku likodi nti omusomesa akyasinze okulwa mu kibiina yamalamu essaawa 62 n'eddakiika 30! Errol E.T. Muzawaki yatandika okusomesa nga December 12, 2003 n'amaliriza nga December 15 awatali kuwummulamu. Abayizi be yali asomesa beebakanga ne bagolokoka ne bamusanga ng'akyasomesa!" Ezo ze zimu ku mboozi ezaaweesa Ernest Basajjakkambwe erinnya lya "Kiri ku likodi."

Abakazi abaanyumirwanga emboozi ze ku laadiyo nga n'emmere eyinza okubasiriirako nga bali ku mboozi ye bawuliriza! Abakozi ba ssente baakwatanga pulogulaamu ze ku butambi ne baziguza abo abaalinga banyumirwa emboozi ze. Yayatiikirira nnyo ng'akola pulogulaamu ya Kalabaalaba ku CBS era abamu baasazangamu n'okugenda mu masinzizo ku ssande nga baagala kuwuliriza mboozi ze. Mu biseera ebyo yanyumya nnyo ku Osama Bin Laden, Yasser Arafat, Saddam Hussein n'entalo zo mu kyondo kya Buwalabu.

Basajjakkambwe yayogerera Kibwetere n'adda ne mu kati ne yeewogoma! Olw'engeri gye yateekanga abantu ku bunkenke mu pulogulaamu ze, baamuwa omwagaanya mu pulogulaamu ya Mulengera Express ku CBS mwe yaleeteranga akatundu ke aka "Kiri ku likodi" akaalekanga abayivu n'abataasoma nga bonna bamunyeenyeza mitwe.

Wabula oluusi ebigambo bye byamuzaaliranga leenya kyokka nga bw'omugamba okubimenyawo, waakiri ng'omutuma e Kenya ku bigere naye nga tabimenyeewo! Olumu yagugulanako n'abakungu mu Minisitule y'ebyobulimi ng'entabwe eva ku ngeri gye yakolokotamu ebirime ebirongooseemu. Bwe baamugamba abimenyewo n'agaana era yabakongooza bigere! Olulala omuwagizi wa Bin Laden yamukubira essimu n'amulagira amenyewo bye yayogera ku muntu we oba si ekyo anaawulira ekinaamutuukako! Kyokka Basajjakkambwe yamuddamu kimu nti, "Anatta omuntu tamala kukuba kalango, nkola ky'oyagala." Mu Museenene wa 2006 yawummuzibwa ku CBS era abamu ne babijweteka nti kyandiba ng'emboozi ze yanyumyanga nga ze zaavaako embeteza.

Olumu mu pulogulaamu za Kalabalaba ze yakola mu October wa 2006, Basajjakkambwe yatuuka ng'abitebya nti, "Buganda kyagigwanira okugirumba mu 1966 kubanga mbu mu Lubiri baali bataddemu ebyokulwanyisa ebisukka ku ebyo ebyali biteekeddwa okubeeramu." Yayongerako nti, "Mmengo yakola nsobi okuyisa ekiteeso ekigoba Obote ku ttaka lya Buganda kubanga naye yali 'Munnayuganda'." Kuno kwe yagatta emboozi eyavvoola abataka.

Lumu Idi Amin yayita Abataka – bajjajja aboobusolya n'abatuuza mu luggya lwa International Conference Centre bateese ku ky'okuzzaawo Obwakabaka. Nti enkuba yatonnya Amin n'agaana okuyimiriza olukiiko era n'agamba nti Abataka abalumirirwa Obuganda bagume enkuba ebakube. Wabula baagenda beemulula mpola, Amin n'asigalawo yekka n'abayimbi be era nti Abataka tebaalina mutima gwa Buganda. Ku CBS baamulagira okwetonda n'agaana ng'agamba nti, "Ndi muyivu, nkulembeza buyivu eby'ennono ne bijja oluvannyuma."

Batono abeewuunya kino kubanga Basajjakkambwe y'omu ku bantu abatono ennyo abadduka ne Obote mu 1985 nga Tito Okello Lutwa awambye gavumenti, era yali wa munda nnyo mu kakiiko ku UPC mu Buganda. Basajjakkambwe yavumirira nnyo enkola ya gavumenti ey'okusomesa abaana ba pulayimale mu nnimi enzaaliranwa ng'agamba nti tezisobola kubagasa. N'enkola eya gavumenti okuweerera abaana mu siniya (USE) nayo yali agivumirira nnyo!

Yali akiddingana lunye nti amaanyi ge gali mu kunoonyereza ku ebyo bye yabanga agenda okwogerako. Mu materekero g'ebitabo okuli UNDP ne British Council abamu baamuyitanga mukozi waayo kubanga gye yamaliranga ebiseera bye ebisinga. Yazuukukanga ku ssaawa mwenda nga bukya n'atega amawulire ga CNN ne BBC asobole okumanya ebigenda mu maaso mu nsi.
Basajjakkambwe y'omu ku baategekanga okwogera kw'abakulembeze omwali Paulo Muwanga, Yusuf Kironde Lule, Godfrey Binaisa ne Milton Obote. We yafiira mu 2007 ng'alina emyaka 67 yali amaze okwawukana ne mukyala we ow'empeta. Obulamu bwe yali abutambuza mu ngeri ya "kimafiya"!

Leero nga bw'omusanga e Nateete, omwezi ogujja omusanga walala. Buli zooni eri mu muluka gw'e Nateete yagisulamu ate olwo n'asengukira e Busega n'oluvannyuma e Lungujja.
Ku mulembe gwa Idi Amin baamusibira mu kkomera e Luzira eyo yamalayo omwezi gumu abazirakisa ne bamusiba ggomesi n'atolokayo n'addukira e Kenya era abaana be abasinga gye yabazaalira. Yali awoomerwa nnyo omwenge era nga talya era abaamubanga ku lusegere bagamba nti yabanga ayagala kuwummuza ku nkumuliitu y'ebirowoozo bye yabanga nabyo. Omusujja, ekifuba n'embiro byamuzingiza mu kazigo ke e Lungujja era mu ddwaliro lya Kampala International Hospital yamalayo mbale n'afa!
*(Kisimbuddwa mu Bukedde, Lwakusatu, August 8, 2007 ku muko 18).*

**Ebibuuzo:**

(a) Okyaliddeko mukwano gwo abadde akolera mu kitongole ekimu mu Bwakabaka bwa Buganda n'osanga nga yawummuziddwa ku mulimu. Ali awo akyebuuza ensonga ezaamuviiriddeko embeera eno. Olukulabye n'akubuuza nti; "mukwano gwange, ddala lwaki nze?" Naye ggwe okimanyidde ddala bulungi nti enkola ye ey'emirimu efaananira ddala ne gy'osomyeko mu kiwandiiko.

Weesigame ku kiwandiiko ky'osomye oddemu mukwano gwo ky'akubuuzizza.

(b) Wasaba omulimu gw'okuweereza pulogulaamu ku leediyo emu era akakiiko akagaba emirimu ku leediyo eyo kakuyise okukugezesa. Mu bibuuzo ebingi ebikubuuziddwa mwe mubadde na kino ekigamba nti; "ogenda kuyimirizaawo otya pulogulaamu eno ate nga naawe bw'ogifunamu ensimbi?"

Weesigame ku kitundu ky'osomye oddemu akakiiko kye kakubuuzizza.

(c) Omukulembeze w'abavubuka ku kyalo kyammwe yafunye obutakkaanya ne mukyala we gwe yaakawasa ebbanga eritali lye wala. Wawuliddeko ng'omukyala agamba nti tayinza kugumiikiriza nneeyisa ya bba etali ya buvunaanyizibwa. Oluvannyuma lw'okusoma ekiwandiiko kino, ofunye omukisa okusisinkana omukulembeze ono era owulira ng'olina engeri gy'oyinza okumuluŋŋamyamu ku ngeri gy'asaanidde okweyisaamu asobole okuwangaala ne munne mu bufumbo bwabwe.

Weesigame ku kitundu ky'osomye omuluŋŋamye.

(d) Omusomesa wammwe ategese ebibuuzo eby'enjawulo okuva mu kitundu ekisomeddwa era n'abigabira ebibinja byammwe eby'enjawulo. Ggwe ssentebe w'ekibinja kyammwe era mufunye ekibuuzo ekigamba nti; "Abamu ku bannabyabufuzi b'ebiseera bino bafaanana batya Basajjakkambwe?" Omusomesa akusabye ojje otegeeze ekibiina kyonna bye mutuuseeko mu kibinja kyammwe ku mulimu ogwo.

Weesigame ku kitundu ekyo okole omusomesa ky'akusabye.

## EKITUNDU B

### Ddamu 3 (a) oba 3(b)

3. Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 200 – 300.

(a) Ekibiina kyammwe ekya Nkobazambogo leero lwe kirina olukiiko lwammwe olw'omulundi ogw'okusatu. Ensonga enkulu ya kusalawo eky'okukolera munnakibiina kino eyali akola nga kojja. Olukiiko lukusabye okole nga omuwandiisi w'olunaku.

Yamba ekibiina kyo ng'okola olukiiko kye lukusabye.

**Oba**

(b) Eyo mu kitundu gye mubeera abaana abawala n'abalenzi bangi bawanduka mu masomero nga tebamalirizza misomo gyabwe. Kino kizzizza nnyo ekitundu kyammwe emabega kuba abavubuka bangi kati baafuuka bakireereese era abamenyi b'amateeka. Ssentebe ayise abatuuze bajje basalire wamu amagezi abaana baleme kwongera kwonooneka. Ggwe omu ku bagenda okwetaba mu lukiiko luno era ssentebe akimanyi bulungi nti oli mukugu mu mbeera z'abavubuka. Bw'atyo akusabye oyogereko eri olukiiko ku ngeri abatuuze gye bayinza okumalawo ekizibu ekibayisizza mu lukiiko luno.

Kola ssentebe ky'akusabye.

**BIKOMYE WANO**

335/1
**LUGANDA**
**Paper 1**
**July 2026**

**LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION (LTA)**
**(*UCE*)**
**Olupapula Olusooka**
**(Okusoma bwino, Okukyusa, n'Okuyiiya)**
Essaawa bbiri n'ekitundu (2½)

**EBIGOBERERWA:**

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bibiri; **A** ne **B**.
- Ekitundu **A kya buwaze**.
- Mu kitundu **B** mulimu ebibuuzo bibiri. Kolako **3** oba **4**.

## EKITUNDU A
### Ddamu 1 ne 2

1. Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero ya kyo.

Okukwana abagezi ate nga ba mpisa nnungi kwongera omuntu amagezi n'empisa ennungi naye okukwana ababi kwonoona empisa ennungi. Abaganda kye baava bagamba nti, "Mbuulira gw'oyita naye nkubuulire empisa zo." Nze mu ssomero nakwanayo Jack Kalule ne Siteefano Kayongo ne bafuuka bannange nkalyantya. Abo kaakano mbeevuma anti be banyonoona !

Twayitanga wamu era nga buli we tubeera twagala tube banjawulo ku basomi bannaffe. Oluusi twakikinazanga ebitogi by'essaati zaffeoba okufunza empale zaffe. Twaddiranga abutambaala ne tubussa emabega w'ebitogi by'essaati zaffe bireme kuddugala. Twatambulanga emikono tugivumbise mu nsawo z'empale. Twakolanga n'ebyokweraga ebirala bingi ne tutenguwanga abasomesa baffe era nga batubonereza lutata.

Bannange bombi baalina abawala be baaganzanga mu ssomero. Baalagaananga okusisinkana mu muyembe ogwali mu nsiko eyali eriraanye essomero, ne batoloka olwo ne balyoka balya kabalagala, switi, sumbuusa, amandaazi n'ebirara mbu ng'olwo bakoze ppate ! nze nagendangayo kulya ku byamwe. Baagezangako nnyo okunsendasenda nange nfuneyo omuwala muganzi wange ne ŋŋaana kubanga eby'okukwana abawala nali sibyagala ate nga ne bazadde bange baabiŋŋaana.

Lwali lumu Siteefano n'anjigiriza bwe bawandiika ebbaluwa ezisaba omukwano mbu ndekere awo okubaswaza. Ebbaluwa gye nasooka okuwandiika yali ya Anne Nakyanzi gwe twagendanga naye mu mizannyo. Omuwala oyo yali ansanyusa naye nga mmutya ! Ebbaluwa Anne teyagiddamu ! Waayitawo saabbiti emu ne tugenda mu mpaka z'emizannyo gy'amasomero. Empaka zaalimu emizannyo mingi omwali okusamba omupiira, okudduka, okubuuka, okubaka n'okuyimba. Emizannyo gyali mu mayiro ng'asatu okuva ku ssomero

lyaffe. Emizannyo gyaggwa buyise era ku ssomero lyaffe twatuukayo nga ku ssaawa nnya ez'ekiro. Ffe abaali basula ewala twali tetukyasobola kutuuka mu maka gaffe. Abasomesa kye baava basalawo ffe abalenzi tusule mu kisenge ky'essomero ekimu ate abawala basule mu kirala. Tewali musomesa n'omu yasula mu ssomero kutukuuma.

Essaawa zaali ziwera ttaano ez'ekiro Siteefano n'ampita nti "Jangu omperekereko ebweru." Nange ssaagaana naye bwe twatuuka ebweru, munnange yandaza mmanju wa kaabuyonjo. Nagenda okuwulira ng'agamba Anne nti, "Munno wuuno mmukuleetedde !" Nasooka ne ntya okumusemberera naye ne neevaamu ne njogera naye nneme kuswala gy'ali. Twanyumiza ddala emboozi n'egwa amakerenda. Mu bibiina mwe twasula twaddayo ku ssaawa nga musanvu ez'ekiro. Okuva ku olwo Anne yafuukira ddala muganzi wange.

Lumu nasaba taata ssente z'okugula ebitabo ku ssomero n'ebikozesebwa ebirala. Zonna awamu zaali emitwalo 75,000. Ku ssente ezo natoolako ssilingisi 30,000 ne nziguliramu Anne obutambaala bubiri, obukomo, ebizigo n'akacupa k'akawoowo kamu. Ebitabo ssaabigula ! Anne we namukwanira ng'ali mu P.5 era yali aweza egy'obukulu kkumi n'ena.

Katonda yannyamba ne nsoma ne mmalako P.7 naye nnayita ku ndeboolebo kubanga obwongo bwali tebukwata nnyo ate nga n'ebyokusoma sibissaako nnyo mwoyo; nasiŋŋanga kwagala masanyu. Newankubadde nga nali mpise okuyingira mu siniya mu 2007 naye taata ensimbi zaamubula, omwaka ogwo gwonna ne ngumala nga ndi waka. Taata yali asuubira nti nali ŋŋenda kukola naye buli kalimu akaavangamu ensimbi naye nze nali sseeteeseteese kukola mirimu gya mikono egy'okukakaalukana, ng'okulima, okunoga emmwanyi n'okuzaanika, okutwala n'okuggya embuzi ku ttale n'emirala. Eggyo gyonna, nze ne mikwano gyange twagiyitanga mirimu gya wansi egitasaana kukolebwa muntu yasoma era amanyi Oluzungu. Ekyankyayisa ennyo okulima kwe kuba nga mu ssomero okulima kye kyali ekibonerezo kye baasiŋŋanga okutuwa nga tuzzizza emisango. Be baawanga ekibonerezo ky'okulima omusana gwabaggweerangako nga balima.

Omwaka gwa 2007 gwali gunatera okuggwako taata n'antegeeza nti mu 2008 yali asuubira okunziza mu ssomero ntandike okusoma siniya esooka. Sikutendera ssanyu lye nawulira ng'amaze okuŋŋamba ebigambo ebyo kubanga taata teyayogeranga kigambo n'atakikola, kye nava nneesunga ennyo okudda mu ssomero mpone emirimu gy'okukakaalukana. Wabula munnange essanyu lyange lyali lya kiyita mu luggya era byajja bwe biti;

Twali tunatera okufundikira olusoma olwokusatu olw'omwaka 2006, Anne n'antegeeza nti ali lubuto. Bwe yamala okuntegeeza nentya nnyo era ne mwegayirira aleme kunjogera era naye kye yakola. Waayitawo emyezi mukaaga nenfuna olugambo nti Anne yazaala omwana mulenzi era yamusiba omusajja omulala. Olugambo olwo lwandowoozesa nti ebibi byonna bye nakola ne Anne byansonyiyibwa mu nsi ne mu ggulu. Naye nali nneerimba kuba waayita ebbanga ttono omusajja ne yeegaana omwana oyo.

Lwali lumu nga Museenene 15 2007 bwe twali twanika emmwanyi ne taata mu luggya ne ndaba Anne ne ssenga we ne mwannyina nga bakyama ewaffe. Anne yali asitudde akaana. Okulaba obulabi ku Anne ne beyali nabo kwantyemula emmeeme ne neegomba ettaka limmire. Munange asoma bino sijjukira oba abagennyi abo nababuuza naye bye nzijukira bye bigambo bya ssenga wa Anne. "Ssebo tuleese omwana ono mu nju mw'azaalibwa." Taata kyava abuuza

nti, "Kitaawe w'omwana oyo y'ani?" Ssenga teyalwa n'akyuusa amaaso n'aganjolekeza nga bwagamba nti, "y'oyo ssebo."

Ebigambo baabigaayaamu nga wamma ddala omwana wange. Gye byaggweera nga batukkirizza okuwa engassi ya bukadde 2,000,000 olw'okuzannyira ku mwana w'essomero. Taata yeegayirira nnyo kuba baali baagala tuliwe ensimbi ezisingako awo ate bansibe ne munkomyo. Okufuna ensimbi ezo, taata yatunda ku bibanja omwali omusiri gw'emmwanyi ogwatuyambanga okufuna ebyetaago by'essomero n'ebyo mu maka gaffe. Olwamala okuwa engassi taata n'akantema nti, "Ensimbi ezibadde ez'okukuzza mu ssomero ze mpaddeyo olw'omusango gwe wazza. Bwe ndiba nsobodde ndi kuzzaayo mu ssomero mu 2009." Ku olwo lwe namanya nti kibi nnyo okweyingiza mu by'okukwana abakazi ng'okyasoma. Bazadde bange baaswala ku kyalo ate nange ne banzigyamu obwesige.
*(Kisimbuddwa mu Bwali Butamanya aka M.B. Nsimbi).*

**Ebibuuzo:**

(a) Mugandawo takyakulaba na bayizi abali mikwano gyo fa nfe, kwe kukubuuza ekyakwawula nabo n'otuuka n'okubeevuma.

Weesigame ku kitundu kino omuddemu.

(b) Mukwano gwo Zinunula omusanze n'akawala k'essomero kakyakala nako ennaku zino n'omulabula nti waliwo akabi akamwolekedde. Ye kwe kukubuuza nti; "kabi ki?"

Weeyambise ekitundu kino omuddemu.

(c) Omukulu w'essomero yayise abasomesa n'abazadde mu lukiiko lwabwe olubagatta (PTA). Akuwadde omukisa era n'akusaba obeeko by'obabuulirira.

Weesigame ki kitundu ky'osomye okole omukulu w'essomero ky'akusabye.

(d) Bannannyini ssomero mw'osomera bali mu kubaga mateeka aganaafuga essomero lyabwe. Ggwe omu ku bayizi be balonze era ne bakusaba okuleeta awamu n'okulambulula ku mateeka g'oyagala gassibwewo.

Weeyambise ekitundu ky'osomye okole bannannyini ssomero kye bakusabye.

2. Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma okole nga bw'olagiddwa.

Mukwano gwo ayagala nnyo okumanya ebifa mu nsi era asoma nnyo ebiwandiiko by'Oluganda wabula Olungereza talumanyi bulungi. Leero akuleetedde ekitundu ekiragiddwa wammanga okimukyusize asobole okumanya ebifa ku oyo gwe kyogerako.

Kola nga mukwano gwo bw'akusabye.

**ARCHBISHOP JANAN LUWUM**

In 1977, Archbishop delivered a note of protest to dictator Idi Amin against the policies of arbitrary arrests, killings and unexplained disappearances of Ugandans. Shortly afterwards,

Janana Luwum and other church men were accused of treason. On 16$^{th}$ February 1977, Luwum was arrested together with two other cabinet ministers, namely Erinayo Wilson Oryema and Charles Okoth Ofumbi. These were presented to Idi Amin at a rally in Kampala. Janan Luwum was accused of being an agent of the exiled former President Milton Obote, and for planning a coup against the government.

The next day, Radio Uganda announce that the three (Luwum and the two ministers) had died in a motor accident when the car transporting them to court had collided with another vehicle. That the victims had tried to overpower the driver in an attempt to escape. When Luwum's body was released to the relatives, it was found with bullet wounds. Some witnesses said that the victims had been bullied, tortured and finally shot. Luwum was buried at his home in Kitgum.

He is recognized as a martyr by the Church of England and the Anglican community. His statue is among the 20$^{th}$ Century martyrs on the front of West Minister Abbey in London. February 16$^{th}$ is observed as a national holiday in Uganda, to commemorate the life, legacy and martyrdom of Janan Luwum the former Archbishop of the Church of Uganda.
*(Extracted from st. Bernard, History and Political Education Learners Book 3)*

## EKITUNDU B
## Ddamu 3 oba 4

3. Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya bigambo nga 150 – 200.

Gye buvuddeko awo ebyenjigiriza mu ssomero lyammwe biddiridde nnyo olw'ensonga ezitali zimu. Omukulu w'essomero ayise abazadde bajje ku ssomero basalire wamu amagezi. Oweereddwa omukisa okutegeeza abazadde abazze mu lukiiko engeri ez'enjawulo ze bayinza okuyitamu nga babayamba nammwe musobole okutumbula eby'enjigiriza mu ssomero lyammwe.

Wandiika ng'obanyonnyola ensonga zo.

**Oba**

4. Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya bigambo nga 150 – 200.

Ggwe wabadde ssentebe w'akakiiko k'abayizi akasunsula amannya g'abo abagenda okwesimbawo ku bukulembeze bw'abayizi mu ssomero lyammwe. Wabula, omukulu w'essomero yagaanye erinnya ly'omuyizi eyasunsuddwamu okukulembera abayizi bonna olw'okuba takola bulungi mu kibiina!

Wandiikira omukulu w'essomero ng'omutegeeza ensonga kwe mwasinzidde okuyisaamu erinnya ly'omuyizi eryo ate lyokka.

**BIKOMYE WANO**